www.xtrapapers.com

IB DIPLOMA PROGRAMME
PROGRAMME DU DIPLÔME DU BI
PROGRAMA DEL DIPLOMA DEL BI

M05/1/A1LUG/SP1/LUG/TZ0/XX

22050179

**LUGANDA A1 – STANDARD LEVEL – PAPER 1**
**GANDA A1 – NIVEAU MOYEN – ÉPREUVE 1**
**LUGANDA A1 – NIVEL MEDIO – PRUEBA 1**

Tuesday 3 May 2005 (morning)
Mardi 3 mai 2005 (matin)
Martes 3 de mayo de 2005 (mañana)

1 hour 30 minutes / 1 heure 30 minutes / 1 hora 30 minutos

---

INSTRUCTIONS TO CANDIDATES

- Do not open this examination paper until instructed to do so.
- Write a commentary on one passage only. It is not compulsory for you to respond directly to the guiding questions provided. However, you may use them if you wish.

INSTRUCTIONS DESTINÉES AUX CANDIDATS

- N'ouvrez pas cette épreuve avant d'y être autorisé(e).
- Rédigez un commentaire sur un seul des passages. Le commentaire ne doit pas nécessairement répondre aux questions d'orientation fournies. Vous pouvez toutefois les utiliser si vous le désirez.

INSTRUCCIONES PARA LOS ALUMNOS

- No abra esta prueba hasta que se lo autoricen.
- Escriba un comentario sobre un solo fragmento. No es obligatorio responder directamente a las preguntas que se ofrecen a modo de guía. Sin embargo, puede usarlas si lo desea.

www.xtrapapers.com



*Wandiika ng'owa endowooza yo ku* ***kimu*** *ku biwandiiko bino:*

**1.** (a)

Ku Lwomukaaga akawungeezi Mbayiwa yali ali awo ku buliri bwe mu ggandaalo, n'awulira akonkona ebweru. Bwe yali asitula ku mutwe bw'ati yeeyongere okutegereza n'alaba Nnamusisi.

Okuva lwe yasisinkana ne Ndibassa omulundi ogwasooka, ebirowoozo bya Mbayiwa byatandika mpolampola okwesamba Namusisi. Yaddanga awo buli kaseera n'ageraageranya obulungi bwa Ndibassa n'obwa Nnamusisi n'alaba nga obwa Ndibassa bwo busukkiridde wala nnyo.

Omuntu gw'omaze naye ebbanga eddene ate naddala nga talina na kibi ky'akukoze, kiba kizibu okumala gamusangula otyo mu birowoozo byo. Ne Mbayiwa bwe yateebanga okulekayo Nnamusisi, muli ng'awulira omutima gwe tegukisemba bulungi.

Bwe yagiranga n'alowooza nti ddala yali tannayiga bulungi Ndibassa, nti era osanga luli lwe yakkiriza okugendako naye mu *sineema* n'okulyako naye mu *wooteeri* yali amuguyaaguya buguyaaguya. Naye ekisinga obukulu ne mu mwoyo gwe yali awulira muli nga teyeekakasa bulungi nti Ndibassa yali amuyingizizzaako mu birowoozo bye n'akamu n'ak'eddagala. Bwe yateebanga okusigala ne Nnamusisi ate n'atya nti ssinga Ndibassa amusanga naye, ayinza okumukyawa bw'atyo n'afiirwa omuwala alabika obulungi eyandimuweesezza ekitiibwa mu banne.

Mbayiwa yayagala Nnamusisi lwa mpisa ze ennungi ennyo, sso si lwa bulungi bwe mu ndabika, anti nga mw'ekyo Katonda yali amufunyidde ku ngalo. Yagenda n'akula ekifuba ekyabambaala, okuli amabeere amanene ng'amapaapaali, ng'oyinza n'okulowooza nti oboolyawo bw'aba ayambala wagguluggulu awo mu kifuba kye asooka kuwagikawo katto! Emikono gye egyo nagyo nga gakono; ate ku mutwe mukaziwattu obuviiri nga bwamwetippako bwetippi ate ne bugenda buba obwa kaweke ow'olumaggamagga. Leero e, e! N'otunuulira Nnamusisi n'omuggwa.

Mikwano gya Mbayiwa baamusekereranga bulijjo nti omuvubuka omulungi nga ye kiki ekyamukwanyisa omuwala omubi ng'oyo. Ye ng'abaddamu kimu nti, "Ekyagaza omubi..." Abalala nga bamujerega nti Mbayiwa tamanyi bumanyi kulonda. Ko abandi nti: "Ndaba ekiwala kyamutambulira." N'abamu nga bagamba nti Mbayiwa mutiitiizi anti abasajja abatiitiizi batera nnyo okukwana abawala abatabagyamu, kubanga batya okusemberera abo abalimu amaaso abandigyidde mu masa gaabwe. Kye bava bamala geewamba abo buli omu b'anyooma, anti ne bajjajja baalugera dda nti "Wakikere gw'ayiikiriza..." Mbayiwa olwatunula ku Nnamusisi amangu ago ebirowoozo bye ne bimukubira mangu ekifaananyi kya Ndibassa, n'alabira ddala ng'ono kisasiro ku oli. Yamala na gamwaniriza atyo nga tassizzaayo na mwoyo nti: "Eh! Ozze?"

Ennyaniriza eyo omutaali bbugumu n'akamu Nnamusisi teyalema kumukangamu; kubanga Mbayiwa yali tamwanirizangako atyo bukya amukwana. Kyokka ye yasalawo butalaga nti akoseddwa, era kwe kubuuza Mbayiwa mu ddoboozi erijjudde obusaasizi nti: "Bambi! Obadde otya? Oli mulwadde?"

Mbayiwa bwe yawulira eddoboozi lya Nnamusisi eggweweevu, erijjudde ekisa, emmeeme ye n'emunenya olw'okulagajjalira n'okulengezza munne mu kusooka. Kye yava agolokoka n'atuula nga bw'ayanjuluza n'emikono gye gyombi era nga bw'agamba nti: "Ndaba ku ani, munnange?"

Waalabyeki Magoba, *Mbayiwa* [Byansobera], 1981

www.xtrapapers.com



– Wandiika ku ngeri omukwano ogw'abasatu Mbayiwa gw'alimu gye gutunyumizibwamu, era nga bwe gwanjuluzibwa mu mboozi eno.

– Wa endowooza yo ku bukodyo bw'emboozi omuwandiisi bw'akozesa mu kutunyumiza ensisinkano ya Mbayiwa ne Nnamusisi.

– Engeri omuwandiisi gy'alombojjamu endabika n'enneeyisa y'abantu abali mu mboozi eno eyongera etya ekinogezi oba obuwoomu mu kiwandiiko kino?

– Engero ensonge zikozesebwa zitya mu kiwandiiko kino era zikyongeramu ki?

www.xtrapapers.com



**1.** (b)

**LUJUUJU**

Ayiriitira avumbegedde enkaayi
Agozoobana anywedde enguuli
Akuluusana aweese amazzi
Laba bwe yeekatankira obugiraasi?

Wo! Omwenge nga mubi nnyo
Lujuuju nadibagana ng'awulira
Entuuyo zimuyitamu ng'atudde
Gy'obeera asiyagguse mu ttuntu
Yenna n'asoobasooba ng'anywedde
Oluusi n'afuluutira ku muyiiro
N'aboloogera mu ddiiro.

Ne bamuyoolawo ng'effaliso
Ne bayiringula ng'etteteme
Ne bamuganzika eyo ebweru
Wo! Omwenge nga mubi nnyo!

Ebinyomo ne bimulingiza mu nnyindo
Munyeera n'anyonyoogera mu nsingo
Ensowera ne zimusokoola amannyo
Omuntu n'ayiriitira nga bbaasi!

Omwenge ngo mu nzikiza
Ofa totegedde kikwabuluza
Era kawenkene nnamuzisa
Omubbi adda ku bbali kkunguyiza

Baannange akafa omukkuto tekaluluma
Ssebo ow'omwenge afiira ku ccupa
Afa yemiinsa ng'awunzika endeku
Ndiwulira mu ssooli afiira ku mpeke.

Omwenge gumazeewo abakulu n'abato
Okuva e Bulindo yogaayoga Ssemuto
Ab'e Seguku, Namasuba ne Munnyendo
Nga gubatema engalike mu kabbuli

www.xtrapapers.com



Bannange omwenge guno luttamaka
Bw'ogunywa ennyo n'ocoppa
Naalongo wo akulekawo n'aleppa
Obwana ne bwennyika ne bwepima
Essaati n'eyulika ng'olaba!
Nga ne ssente eddaabiriza ekubuze
Amatama gakwengerera ng'atalya!
N'oba wa laisi ng'azinira ku ntoli!

Hugo E. Sematimba Barlow, *Abooluganda Ab'Enda Emu*, 1987 [excerpt]

– Omuwandiisi ayolesa atya omulamwa gw'ekitontome kino n'okugwanjuluza?

– Wa endowooza yo ku ngeri omuwandiisi gy'atwanjuliramu omutamiivu n'obukulu bwe mu kitontome kino.

– Wandiika ku ngeri omuwandiisi gy'akozesaamu olulimi, okugeza ng'ennonda y'ebigambo, enfaanaanyiriza, n'ebisoko.

– Ekitontome kino kitusanyusa kitya n'okutubuguumiriza, newandibadde nga bye kyogerako bya nnaku?